Ebirimunda:


| | | Olupapula |
|---|---|---|
| Essomo 1 | Okwolesebwa kwa 5000Plus: | 2 |
| | • Okuliisa Enkumi Ettaano | 2 – 3 |
| | • Emirimu gy'Abayizi egy'Okwegezesa | 3 |
| Essomo 2 | Okweteekerateekera Okuyitimuka: | 4 |
| | • Okulubilira Okuyitimuka | 4 |
| | • Okulonda Omulimu Omutuufu | 4 |
| | • Okusaawo Emisingi Emirungi | 5 |
| | • Enteekateeka Ennungi | 5 |
| | • Emirimu gy'Abayizi egy'Okwegezesa | 5 |
| Essomo 3 | Okuteekerateekera Omulimu gwo: | 6 |
| | • Okunoonya Akatale n'Engeri y'Emirimu | 6 – 7 |
| | • Okukendeeza ku Busobozi bw'Okulemelerwa | 7 |
| | • Okuteekerateekera Ensimbi | 8 – 9 |
| | • Emirimu gy'Abayizi egy'Okwegezesa | 10 |
| | • Engeri y'Okuteekateeka eya 5000Plus | 11 - 13 |
| Essomo 4 | Okuddukanya Omulimu gwo | 14 |
| | • Okukuuma Ebiwandiiko | 14 |
| | • Emirimu gy'Abayizi egy'Okwegezesa | 19 |
| Essomo 5 | Ensibuko ya Ssente ezitandika emirimu | 20 |
| | • Emirimu gy'Abayizi egy'Okwegezesa | 20 |
| | • Ebigobelerwa mu Kuteleka n'Okwewola mu TRUST | 21 - 25 |

## Essomo 1: Okwolesebwa kwa 5000Plus

***Omubala:*** *Okugoba **obwavu** nga **tusomesa** abantu.*

### 1.0 Okuliisa kw'Abantu Enkumi Ettaano

Okwolesebwa kuva mu lugero olw'okuliisa abantu enkumi ettaano oluli mu Makko 6:30-44.

Ebigambo Bisatu Ebikulu:

- Okusaasira
- Okusomesa
- Okwekubisamu

### 1.1 OKUSAASIRA

*"Mwe mubawe emmere" Makko 6:37*

- **Ebikolwa ebirabikako** – Okwagala kwa Katonda bulijjo kutuletera okubaako byetukola
- **Okuwa obuvunanyizibwa** – Yesu yawa abayigirizibwa be obuvunanyizibwa bw'okusisinkana ebyetaago by'abantu.
- **Okutwala obuvunanyizibwa** – Oluvannyuma abayigirizwa batwala obuvunanyizibwa nga batambulira mu kukiriza n'okugonda.
- **Okukubiriza** – Katonda atulaga omutima Gwe era atusuubira okwanukula n'ebikolwa ebikwatikako

Ekimu ku bikulu mu kwolesebwa kwa 5000Plus kwekubiriza Ekkanisa eyo mu kitundu okusisinkana n'okuyamba abanaku mu kitundu Ekkanisa mw'eri.

### 1.2 *OKUSOMESA*

*'Yesu naddamu' – "Mulina emigaati emeka? Genda olabe." Bwe bategeera ne bagamba nti, "Etaano, n'ebyennyanja bibiri." Makko 6:38*

Ekizibu kiri nti:

- Tulaba ebyo byokka byetutalina
- Tulowooza kw'ebyo byokka byetutasobola kukola
- Akatono ketulina, bwetukawayo eri Katonda, y'entandikwa y'ekyamagero ky'obugabirizi bwa Katonda.

Okusomesa kuyamba abantu okuva mu bwavu nga bakozesa ebyo byebalina ne bwebiba tebimala.

## 1.3 *OKWEKUBISAMU*

*'Ne balya bonna ne bakkuta. Ne bakunggaanya obukunkumuka bw'emigaati n'obw'ebyennyanja ne bajjuza ebibbo kkumi na bibiri. Abo abaalya emigaati baali abasajja enkumi ttaano (5000). Makko 6:42-44*

- Baatandika n'ebyo byebaalina
- Baatunulira Katonda
- Ne batambulira mu kugonda
- Baalya bonna ne bakkuta

Okwekubisamu kuletera ebikozesebwa by'ekitundu okukula kulw'okufuna eddembe okuva mu bwavu bulijjo.

Okwekubisaamu kuyamba abantu okwelabirira ne kukendeeza oba okujjirawo ddala okwesigama ku buyambi obuvu ebweru.

**1.4** Emirimu gy'abayizi egy'okwegezesa**:**

**1.4.1** Soma wetegereze olugero lw'okuliisa abantu enkumi ettaano mu Makko 6:30-44 oddemu ebibuuzo bino:

a) Olugero lukugamba kukolaki bw'omanya ku bwetaavu obuli mu kitundu mw'obera?

b) Abayigirizwa bazuula ki okuliisa abantu enkumi ettaano?

c) Awatali buyambi bwa Katonda eby'okulya byandimaze okuliisa abantu bonna?

d) Olugero lukuyigirizaki ku kusaba?

e) Olowooza ddi emmere lwe yekubisaamu - yekubisaamu abayigirizwa nga tebanatandika kugabula oba nga bagabula?

f) Olugero lukubulira ki kukukiriza?

g) Olugero lukubulira ki ku kukozesa okukiriza kwo?

h) Osobola otya okusa mu nkola by'oyize okwezamu amaanyi oba omuntu omulala okutandikawo omulimu oguvaamu ssente?

**1.4.2** Zuula omuntu omulala omubulire Yesu byayigiriza okuva mu lugero lw'okuliisa abantu enkumi ettaano.

**1.4.3** Olowooza nteekateeka ya Katonda abantu okubeera mu bwavu? Wa ensonga ewagira ennyanukula yo? Bw'oba oyanukula lowooza ku Katonda nga Taata atuukilidde eri abaana era lowooza ku bintu by'oyagaliza abaana bo nga omuzadde.

## Essomo 2: Okweteekerateekera Okuyitimuka


### 2.0 Okulubirira Okuyitimuka

**Okuyitimuka kitegeeza ki?**

| | | |
|---|---|---|
| Okuyitimuka | = | Okuzuula Katonda ky'ayagala okole n'okikola. |
| Okuyitimuka | = | Okulonda omulimu omtuufu |
| Okuyitimuka | = | Okukola ekintu omuntu omulala ky'ayagala okutuuka ku ddaala ly'okukisasulira. |
| Okuyitimuka | = | Abantu okwagala okugula ku ggwe wekka. |
| Okuyitimuka | = | Okuffissa ku kibeera kikusasuddwa ng'omaze okujjako by'okozesa. |
| Okuyitimuka | = | Okulabirila obulungi ssente ezisigaddewo n'otazidibuuda. |

### 2.1 Okulonda omulimu omutuufu

Ekyo **ky'okola oba ky'olima** oba **emirimu gy'okolera** abantu abalala




1. Omuntu alina okwagala ky'otunda era nakisasulira.
2. Olina okubeera n'obusobozi n'ebikozesebwa okusobola okuwa abantu bye bagala, ddi lwe babyagala era babyagaliira mu ngeri ki.
3. Olina okuwulira obulungi Kw'ekyo ky'okola.

**Okulonda omulimu nga enkulungo zino essatu zirina wezegattira kikuwa omukisa omulungi ogw'okuyitimuka.**

## 2.2 Okusimba emisingi emirungi

**Okuyitimuka olina okusimba omulimu gwo ku misingi emirungi.**

Olowooza emisingi emirungi gyegiliwa?

Okugeza. okukola n'amaanyi, empisa, okwesigamibwako, bakasitooma, omulimu oba ekitundibwa ekiri ku mutindo, obwesigwa, obwesimbu, okuyisa ba kasitoma obulungi, emikwano emirungi, amagezi amalungi, okulabirila obulungi ssente, akamwenyumwenyu, ebirowoozo ebizimba, okulemelako, okusaba, okukiriza n'okuteekateeka obulungi.

## 2.3 Okuteekateeka Okulungi

**Lwaki oteekateeka?**

Okutegeka enteekateeka ennungi kikuyamba okutegeera:

- Gy'ogenda n'engeri gy'ogenda okutuukayo
- Akatale ko kekaliwa.
- Obukugu bwe wetaaga n'awokubujja
- Obuzibu bw'onosanga n'engeri y'okubuvunuka
- Byewetaaga ne w'obyetaagira
- Ssente zewetaaga okukozesa
- Ssente zewetaaga okutundirako ebintu byo osobole okusigazaako amagoba era oyimirizeewo omulimu gwo.

Osobola okukebera wa w'otuuse mu by'okola nga osinziira ku nteekateeka ennungi.
Obudde bw'omala nga otegeke enteekateeka ennungi bujja kukuyamba okuyitimuka

## 2.4 Entegeka ennungi, entono ate nga nyangu – Ennono ya 'Kiss'

Bw'oba otandika omulimu omupya kozesa ennono ya KISS:

K - Gikuume

I - Nga

S - Ntono

S - Nnyangu

Ennono eno egya kukuyamba okufuna obumanyirivu nga tokoze nsobi zinakufiiriza nsimbi.

## 2.5 Emirimu gy'abayizi egy'okwegezesa:

**2.5.1** Lowooza ku kulubirira okuyitimuka, Okuyitimuka kutegezaki gy'oli?

**2.5.2** Mulimu ki omulungi gw'oyinza okutandika neguvaamu ensimbi?

**2.5.3** Lwaki wandikumye omulimu gwo nga mutono mu ntandikwa?

**2.5.3** Mirimu ki ejanditandikiddwa abantu bo mu kitundu kyo abatalina ttaka?

**2.5.4** Olina kusaawo misingi ki mu bulamu bwo egisobola okuleetera omulimu gwo oguleeta ssente kuyitimuka?

## Essomo 3: Okuteekerateekera Omulimu Gwo

**3.0** Waliwo ebintu bingi by'olina okulowozaako nga otegekera omulimu gwo naye ebikulu ebisatu byebino:

- **Okunoonyereza ku butale ne nkola y'emirimu**
- **Okukendeza ku Mikimikisa gy'Okufiirwa**
- **Okuteekateeka Entambula ya Ssente**

Olukala lwe bibuuzo by'olina okubuuza okukuyamba okuteekateeka obulungi kozesa enkola ya 5000Plus ku nkomelero y'essomo lino.

### 3.1 Okunoonyereza ku Butale n'Enkola y'Emirimu

### 3.1.1 Wandiika by'olina okuzuula kulw'omulimu gwo, okugeza:

- Baani abanagula by'otunda?
- Bali bameka?
- Basobola kugula biki?
- Ebyafayo ku miwendo gy'ebintu?
- B'ani abakuvuganya?
- Lwaki abakuvuganya bakola bulungi?
- Lwaki abakuvuganya tebakola bulungi?
- Lwaki banayagala okukugulako?
- Olina 'kyanjawulo ki mu ngeri gy'ogenda okutunda' ebintu byo?
- Kifo ki ekilungi okutundiramu ebintu byo?
- Olubilira kutunda kyenkanaki?
- Ogenda kugereka otya emiwendo kw'otundira?

### 3.1.2 Teekateeka engeri gy'ogenda okufunamu amawulire kw'ebyo byewetaaga.

Nga omalirizza okukola olukalala lw'ebintu byolina okuzuula, ekiddako teekateeka butya bw'ogenda okuzuula eby'okwanukula. Jjukira nti osobola okutunula, okubuuza ebibuuzo n'okuwuliriza – bino byonna sibyabuseele.

### 3.1.3 Teekateeka engeri gy'ogenda okulangamu ebyamaguzi byo

Okuva mu by'ozudde mu kunonyereza ku katale tegeka engeri gy'ogenda okulanga n'okutumbula omulimu gwo.

Okugeza. Obupande obulanga, Obupapula obutono obunyonyola, Abantu bogenda okugamba, Okwolesa okulungi, ensabika ey'omulembe.

Jjukira nti okulanga okwangu kwe kuwulira ebiva mu ba kasitoma abamatidde.

### 3.2 Okukendeeza ku Busobozi bw'Okulemelerwa (Okuziyiza Okufiirwa)

Eddaala 1 Zuula biki ebiyinza okugenda obubi (Obuzibu)

Eddaala 2 Zuula engeri gy'oyinza okutangira omulimu gwo ku nsonga zonna eziyinza ogenda obubi (kendeeza ku buzibu)

Eddaala 3 Teebereza ssente mmeka zonasaasanya ku buli kintu ku ddaala ery'okubiri (2)

**Kozesa engeri eno wamanga ey'okuziyiza obutyabaga**

| Obuzibu | Engeri y'Okuziyizamu Obuzibu | Ssente Ezetaagisa |
|---|---|---|
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |

Ezimu ku ngeri z'okutangira okufiirwa ziyinza okuba eza ssente ennyingi okusinzira ku mulimu gwo naddala mu kutandika.

## 3.3 Okuteekerateekera Eby'Ensimbi

### 3.3.1 Ebigambo ebikulu ebikozesebwa:

- **Ssente ez'enkalakalira:** Ssente ez'okukozesa mu kiseera kyonna ne bw'oba totunze kintu kyonna.
- **Ssente ezitali za nkalakalira (Ezikyukakyuka):** Ze ssente z'okozesa okukola by'otunda oba okukola emirimu gyo.
- **Ssente eziva mu by'otunze:** Zino ze sente z'otebereza okufuna mu by'otunze.
- **Amagoba:** Zino ze ssente z'ofissa nga omaze okugyako z'okozesa okukola emirimu gyo.
- **Entambula ya ssente:** Guno gwe mugatte gwa ssente eziyingira oba ezifuluma okuva mu mirimu gyo okumala akaseera.
- **Okukola amagoba:** Kino ky'ekiseera omulimu bwe guva mu kufiliza negutandika okukola amagoba.

### 3.3.2 Okuteekateeka Entambula ya Ssente:

- Wandiika buli kintu kyonna ekiyingiza oba okufulumya ssente n'omugatte gwa ssente.
- Tebereza ddi lw'onosobola okusaasanya oba okuyingiza ssente.
- Laga omugatte gwa ssente z'osuubira okusaasanya n'okuyingiza nga eky'okulabirako wansi wano. Ebanga egele liyinza okulondebwa okutuukana n'omulimu gwo.


Tewelabira kutekawo muwendo gw'onosasula ku bbanja bw'oba oteekateeka okwewola.

| | Omuwendo -ve ssente ezifuluma; +ve ssente eziyingira | | | |
|---|---|---|---|---|
| **Ekintu** | **Omwezi 1 Enteekateeka** | **Omwezi 2 Enteekateeka** | **Omwezi 3 Enteekateeka** | **Omwezi 4 Enteekateeka** |
| **Ssente ez'enkalakalira oba ezitandika omulimu** | -20000 | -3000 | -3000 | -3000 |
| **Ssente ezitali za nkalakalira ( Ezikyukakyuka):** | -4000 | -1500 | -5000 | -4000 |
| **Ssente eziva mu by'otunze** | 0 | 0 | 0 | +105000 |
| **Entambula ya ssente mu mwezi guno** | -24000 | -4500 | -8000 | +98000 |
| **Omugatte gw'entabula ya ssente** | -24000 | -28500 | -36500 | +61500 |

- **Maliriza enteekateeka eno mu mitendera essatu gy'otebereza okutundirako – Ogwawansi, Omusamusamu n'Ogwawagulu.**
- **Akadaala kaggya kukulaga ssente mmeka zewetaaga okussaamu nga tonatandika kukola magoba era okumala kiseera ki.**
- **Bw'oba oteekateeka okwewola akadaala kaggya kukulaga ssente mmeka zewetaaga okwewola.**

### 3.3.3 Okubala ddi lw'onotandika okukola amagoba

Ebiri kukadaala k'entambula ya ssente kasobola okulabikila ku kipande kino wansi:




**Bw'otandika okutunda n'otuuka okukola amagoba, otandika okuzawo ku ssente ze wateeka mu mulimu gwo era bweweyongera okutunda obungi bwe bintu bwebumu olwo okola AMAGOBA!!**

## 3.4 Emirimu gy'Abayizi egy'Okwegezesa:

**3.4.1** Londayo omulimu omwangu oguvamu ensimbi (kiyinza okuba ekintu ekitundibwa oba ky'okola) era ogutegeke bulungi: Gutegekere mu mitendera essatu egy'enjawulo:

**1. Okunoonyereza ku Butale n'Enkola y'Emirimu**

a) Wandiika olukalala lw'ebintu by'olina okuzuula, wa gy'ogenda okubinonyerezaako na ngeri ki gy'ogenda okufuna eby'okwanukula.

b) Nnyonyola wa gy'ogenda okutundira ebyamaguzi byo oba emirimu gyo na ngeri ki gy'ogenda okulangamu.

**2. Okukendeza ku Mikisa gy'Okufiirwa**

Teekateka akadala akalaga engeri gy'ogenda okukendeezamu okufiirwa oyongeze emikisa gy'okuyitimuka mu mulimu.

**3. Entegeka ya Ssente**

a) Teekateeka akadaala akalaga Entambula ya Ssente ng'owandiise olukalala lw'ebintu byonna by'ogenda okusaasanyizako ssente ne ssente meka z'otebereza okuyingiza olage n'emiwendo. Wandiika ssente meka zewetaaga okutandika omulimu gwo era olage ebbanga ly'ogenda okumala okutuuka ku kukola amagoba.

**Wumbawumbako omulimu gwo nga okozesa enkola ya 5000Plus esangibwa ku lupapula oludako.**

## 3.5 Enteekateeka ya 5000Plus

Osuubira kutunda ki oba kukola milimu ki?

…………………………………………………………………………………………

Olina bigenderelwa ki? Bino bisobola okuba ebibyo, eby'ekibinja, eby'emirimu oba ba kasitoma?

…………………………………………………………………………………………

Olowooza lwaki onayitimuka?

…………………………………………………………………………………………

B'ani abagenda okubeera ekitundutundu ku mulimu guno?

…………………………………………………………………………………………

…………………………………………………………………………………………

Bwoba oli mu kibinja:

Omulimu gugenda ku ddukanyizibwa gutya?

…………………………………………………………………………………………

Emirimu mugenda ku gigabana mutya (Abantu bawe emirimu okusinzira ku bukugu bwabwe):

a) Abakozi
…………………………………………………………………………………………

…………………………………………………………………………………………

b) Okukuuma ebiwandiko

…………………………………………………………………………………………

c) Amagoba

…………………………………………………………………………………………

d) Obuvunanyizibwa obulala?

…………………………………………………………………………………………

Ekibinja kigenda kusisinkana emirundi emeka?

…………………………………………………………………………………………

Mugenda kulondola mutya abenyigiramu, abakelewa, abagayavu, n'abakozi ennyo?

……………………………………………………………………………………

Mugenda kugabana mutya amagoba (n'okufiirwa)?

…………………………………………………………………………………………

Mwetaaga bukugu ki?

…………………………………………………………………………………………

…………………………………………………………………………………………

Mulina obukugu – bwe muba nga temulina, mugenda kubujjawa era munetaaga ssente meka okubufuna?

…………………………………………………………………………………………

…………………………………………………………………………………………

Mu kunonyereza ku katale wazudde ki?

a) Baani abagenda okukugulako?

…………………………………………………………………………………………

b) Bali bameka era basobola kugula ki?

…………………………………………………………………………………………

c) B'ani b'ovuganya nabo?

…………………………………………………………………………………………

d) Lwaki banayagala okukugulako?

(Olina ki eky'enjawulo mukutunda kwo: omutindo, by'otunda byangu okufuna, okweyongerayo kw'emirimu, emiwendo)

…………………………………………………………………………………………

…………………………………………………………………………………………

Olubirila kutunda bungi ki era ogenda kugereka otya emiwendo?

…………………………………………………………………………………………

…………………………………………………………………………………………

Ogenda kulanga otya? (Okutumbula by'otunda, ensiba y'ebintu, era wa w'ogenda okutundira)

…………………………………………………………………………………………

…………………………………………………………………………………………

Biki ebiyinza okugenda obubi era onokendeeza otya Obuzibu obuyinza okutukawo?

| Obuzibu obuyinza okutukawo | Engeri gy'ogenda okubukendezaamu |
|---|---|
| ……………………………………….. | ……………………………………….. |
| ……………………………………….. | ……………………………………….. |
| ……………………………………….. | ……………………………………….. |
| ……………………………………….. | ……………………………………….. |
| ……………………………………….. | ……………………………………….. |
| ……………………………………….. | ……………………………………….. |

Ogenda kwetaaga biki era ogenda kubyetaaga ddi? (Olukusa okukola emirimu, entandikwa, ebyuuma, ekifo w'okolera, abantu abanakuyamba, amagezi okuva mu bakugu, abanakuwanga by'okozesa, gwe (Katonda) okwekiririzamu, Obuvumu, obudde) *Jjuzamu ku lupapula olulala.*

Ogenda kwetaaga ssente meka? [Ez'enkalakalira n'ezikyukakyuka] *jjuzamu ku lupapula olulala otekeko n'enteekateeka y'omulimu.*

Otebereza ssente zigenda kutambula zitya? *Jjuzamu ku lupapula olulala otekeko n'enteekateeka y'omulimu.*

Ogenda kukola amagoba gatya? *Jjuzamu ku lupapula olulala otekeko n'enteekateeka y'omulimu.*

Wetaaga ssente meka ez'okwekumisa? *Jjuzamu ku lupapula olulala otekeko n'enteekateeka y'omulimu.*

Ogenda kulondola otya omulimu gwo n'ensimbi?

……………………………………………………………………………………………

……………………………………………………………………………………………

……………………………………………………………………………………………

Wetaaga okwewola ssente, bwekiba bwekityo, ogenda kwewola meka era ogenda kuzisasula otya? *Jjuzamu ku lupapula olulala otekeko n'enteekateeka y'omulimu.*

## Essomo 4: Okuddukanya Omulimu Gwo

### 4.0 Okukuuma Ebiwandiiko

**Okukuuma ebiwandiiko kikuyamba:**

- Kebera wa w'otuuse okusinzira ku nteekateeka y'omulimu gwo - gerageranya ennyingiza n'ensasaanya; mulimu gukula nga bwe wategeka?
- Ddamu obale ddi lw'onokola amagoba n'Entambula ya ssente
- Manya amagoba agava mu mulimu gwo
- Kola okusalawo okulungi ku ssente zo mangu nga obudde tebunayita – okugeza ddi lw'ogula ebintu, ogenda kuwandiika ddi abakozi abalala
- Kozesa bulungi emikisa gy'eby'obusuubuzi – okugeza. Ekintu ekimu kya tunzi okira ebilala, bwekiba bwekityo kigule mu bungi.
- Tegeka bulungi ebyo mu maaso n'obuvumu

### 4.1 Ebbika by'Ebiwandiiko by'Olina Okukuuma:

- Endagaano eziri mu buwandiike
- Empapula ezilaga ebiseera abakozi bye bataddemu
- Ekiwandiiko ekilaga ebintu ebikoleddwa
- Embalirira ya ssente
- Entambula ya ssente

### 4.1.1 Endagaano eziri mu buwandiike wakati w'abantu abenyigira mu mulimu.

a) Endagaano z'okukola - ebibinja

b) Endagaano z'okwewola

c) Endagaao z'obupangisa

d) Endagaano z'abakozi

### a) Endagaano z'okukola - ebibinja

Okukendeeza ku katyabaga k'okukaayana wakati w'abantu abenyigira mu mulimu awamu - buli kikiliziganyiziddwako kirina okuteekebwa mu buwandiike ng'omulimu tegunatandika.

Mu bino mulina okubaamu ebigobelerwa, obuvunanyizibwa, ssente buli omu z'agenda okuleeta n'engeri y'okugabanamu amagoba oba okufiirwa.

**b) Endagaano z'Okwewola**

Ssente zonna ezewoleddwa zirina okuba n'endagaano etegerekeka, wamu n'amateeka n'obukwakulizo bw'okusalula.

Wandiika ssente meka ezewoleddwa era funa amannya g'abo abasizaako ebyenkumu.

Wandiika ddi lw'osasudde ssente ezewoleddwa era meka era funa amannya g'abo abasizaako ebyenkumu.

**c) Endagaamo z'Obupangisa**

Buli kifo kyonna oba ettaka elipangisiddwa lirina okuba n'endagaano etegerekeka wamu n'amateeka n'obukwakulizo nga bulambikiddwa bulungi n'ebanga endagaano ly'egenda okumala.

Wandiika ddi lw'osasudde ssente z'okupangisa era meka era funa amannya g'abo abasizaako ebyekumu.

**d) Endagaano z'Abakozi**

Bw'oba nga okozesebwa oba nga olina gw'ogenda okukozesa, beera n'endagaano mu buwandiike eraga amateeka n'obukwakulizo n'emirimu omukozi gy'alina okukola.

Wandiika emisaala egisasuddwa era funa ebyenkumu by'abasasuddwa.

**4.1.2 Empapula Eziraga Ebiseera Abakozi bye Bataddemu – Ani akola ki era ddi**

Essawa na buli mulimu ogukolebwa omuntu yena bilina okuwandiikibwa. Kino kijja kuyamba okutegeera oba abantu bayambako mulimu okuyitimuka era basasulwe bulungi. Ekiwandiko kino kisobola okozesebwa okumanya oba omulimu gukoleddwa bulungi oba okufunayo engeri ennyangu ey'okugukolamu.

| Erinnya | Enaku z'Omwezi | Obudde | Omulimu Ogukoleddwa |
|---|---|---|---|
| Rob | 22.08.13 | 8.00 -12.00 | Okulongosa n'okufuuyira obuwuka mu kiyumba ky'enkoko |
| Jane | 22.08.13 | 8.00-16.00 | Okutunda enkoko mu katale |
| Ken | 22.08.13 | 17.00-18.00 | Okutereza embalirira ya ssente |
| | | | |

### 4.1.3 Ekiwandiiko Ekilaga Ebikoleddwa (oba buli lunaku)

| **Enaku z’omwezi** | **Ekikoleddwa** | **Omuwendo gwa Ssente** | **Ekilabiddwa** |
|---|---|---|---|
| 22.06.13 | Obukoko 100 obuzungu obw’enaku ebbiri bwagulibwa okuva mu Chick Supplies Rongo | 50/= buli kamu | |
| 24.06.13 | Obukoko bubiri bwafa | | Tewali nsonga yawebwa |
| 22.07.13 | Enkoko 98 zasalibwako emimwa n’okugemwa | 5/= buli emu | Omulimu guno gwakolebwa omusawo wa gavumenti ow’ebisolo okuva mu MIGORI |
| 22.08.13 | Enkoko 98 zatundibwa mukatale ka Migori | 300/= buli emu | kasitoma basanyukira omutindo. Kasitoma ayagala okugula enkoko zona eziddako okulundibwa<br><br>Essimu. 0727593876 |
| 22.08.13 | Ekiyumba ky’enkoko kyayonjebwa era nekigobwamu obuwuka kitegekeddwa bulungi okulundibwamu | 900/= eddagala eligoba obuwuka | Kalimbwe yatundibwa 1200/= |

### 4.1.4 Embalilira ya Ssente (Olupapula nga bwelwalifananye)

**<u>Enyingiza y'Omwezi</u>**

| Enaku z'omwezi | Ensibuko ya ssente | Omuwendo |
|---|---|---|
| | Zileteddwa okuva emabega (M) | |
| | Okugeza. Ssente ez'obwanannyini | |
| | Okugeza. Ssente ezewoleddwa | |
| | Okugeza. Ssente ezivudde mu bitundiddwa | |
| | Okugeza. Ssente ezifise nezitelekebwa okuva ku magoba | |
| | | |
| | | |
| | **<u>Omugatte gwa Ssente Eziyingidde</u>** | |

**<u>Ensasanya y'Omwezi</u>**

| Ennaku z'omwezi | Okunyonyola | Omuwendo |
|---|---|---|
| | Okugeza. Ebintu ebyakolebwa ebitanatundibwa | |
| | Okugeza. Ebikozesebwa | |
| | Okugeza. Emisaala | |
| | Okugeza. Ssente z'okupangisa | |
| | Okugeza. Amasanyalaze | |
| | Okugeza. Ssente ezitelekeddwa | |
| | Okugeza. Ssente ez'okusasula amabanja | |
| | **<u>Omugatte gwa Ssente Ezisasanyiziddwa</u>** | |

Ennyingiza - Ensaasanya = M M, etegeeza Magoba!!

Otandika n'omuwendo gw'amagoba ku lupapula oluppya.

- Jjukila osobola okusalawo okujjako ku magoba ssente n'oziteleka, okugeza olw'okugula ensigo oba ebikozesebwa ebippya zino ssente oziteleka nga njawufu.
- Jjukila bwoba wewola ssente oba nga wasalawo okwewola, okusasula emisaala, okupangisa, bino byonna bilina okusasulwa n'olw'ekyo amagoba gakozese bulungi.

### 4.1.5 Entambula ya Ssente

Buli mwezi kozesa entabuza ya ssente ey'omwezi okugerageranya entambuza ya ssente mu mwezi ogwo kw'eyo gye wateekateeka.

Kino kijja kukulaga entambula y'omulimu gwo era kikuyambe okusalawo amangu okutereeza ebintu nga obudde bukyali singa wabaawo ebitatambula bulungi.

Kijja kuyamba okuteekateeka n'obuvumu mu kiseera ekiddako.

| | **Omuwendo** **-ve ssente ezifulumye** **+ve ssente eziyingidde** | | | | | | | |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| **Ensonga** | **Omwezi 1** | | **Omwezi 2** | | **Omwezi 3** | | **Omwezi 4** | |
| | **Enteekateeka** | **Ekituufu** | **Enteekateeka** | **Ekituufu** | **Enteekateeka** | **Ekituufu** | **Enteekateeka** | **Ekituufu** |
| **Ssente ez'enkalakalira oba ezitandika omulimu** | **-20000** | | **-3000** | | **-3000** | | **-3000** | |
| **Ssente ezitali za nkalakalira (Ezikyukakyuka):** | **-4000** | | **-1500** | | **-5000** | | **-4000** | |
| **Ssente eziva mu by'otunze** | **0** | | **0** | | **0** | | **+105000** | |
| **Entambula ya ssente mu mwezi guno** | **-24000** | | **-4500** | | **-8000** | | **+98000** | |
| **Omugatte gw'entabula ya ssente** | **-24000** | | **-28500** | | **-36500** | | **+61500** | |

Jjukira! Okuyitimuka = Kwekufisa kw'ebyo byebakusasudde nga omaze okujjako ssente ezikozesebwa.

Kaakati kola enteekateeka empya n'entambula ya ssente kulw'ekiseera ky'omulimu ekinaddako.

## 4.2 Emirimu gy’Abayizi egy’Okwegezesa:

**4.2.1** Wandiika ngeri zonna ez’okuyitimuka mu milimu gyo oluvannyuma lw’okukuuma ebiwandiiko.

## Essomo 5: Ensibuko ya Ssente Ezitandika Omulimu

5.1 Jjukira okukozesa ky'olina y'entandikwa y'ekyamagero.

Bw'oba olowooza ku by'ensimbi lowooza ku nsonga zino wamanga nga bwezilambikiddwa:

1. Ssente zo ze wetelekedde oba z'ofisizza okuva ku by'otunze – Teziliiko magoba, teziliiko banja
2. Ab'engganda n'emikwano – Amagoba ga wansi oba okutali magoba
3. Ebibiina eby'obwegassi (ebibiina ebiteleka n'okuwola, ebibiina ebiwola, 5000Plus sponsored TRUST scheme) - Amagoba ga wansi
4. Ebitongole ebiwola ssente - Amagoba ga waggulu /akaseera katono ddala
5. Banka. Tezitela kuwola ssente ntono oba ezitaliiko musingo – Amagoba gali waggulu

Jjukila wetaaga enteekateeka enungi ky'ekijja okulaga (Ab'engganda, ba musiga - nsimbi, ebibiina eby'obwegasi, ekitongole eky'obwanakyewa, n'omukungu wa banka) nti olina ekiteeso ekilungi.

### 5.2 Emirimu gy'abayizi egyokwegeseza:

**5.2.1** Ssoma olugero lwa talanta mu Matayo 25:15-28. Olugero luno luyigirizaaki ku kukozesa ebyo Katonda by'atuwadde?

**5.2.2** Ssoma engero za ba namwandu owe Zalefaasi mu 1 Bassekabaka 17:7-16 ne namwandu eyalina okasumbi k'amafuta mu 2 Bassekabaka 4:1-7. Engero zino ziyigirizaaki ku kukiriza, okugonda n'okwekubisamu?

**5.2.3** Amazima g'oyize mu ngero ezo wagulu ganakuyamba gatya okukyusa engeri gy'olowooza ku by'okozesa nga otekateeka omuli gwo gw'ojjamu ensimbi?

**Ebigobelerwa mu bibiina by'Okutereka n'Okwewola ebya TRUST**

**A**mazima
**O**kwesamu ekitiibwa
**O**bumu
**O**kweyimilizaawo
**O**kukyusibwa

**Ebilubirirwa:** Okuyamba ebibiina okutereka okuva kw'ebyo byebirina basobole;
a) Okuyamba omu ku banaabwe ali mu katyabaga aleme okukozesa sente z'emirimu gye oba okufiirwa omulimu gwe.
*Era/oba:*
b) okutekawo ssente ez'okwewola eri ba memba basobole okwetandikirawo, okugaziya oba okwongerako ku mirimu mwe bajja ensimbi.

**Enkola:** Ekibiina kijja kutekawo ensawo etelekebwamu ensimbi eziva mu zebasigazaawo zisobole okufuuka ezewolebwa ba memba b'ekibiina. Ekibiina kijja kuzimbibwa ku bwesigwa n'okwezaamu amaanyi na buli omu okulondoola munne. Okwewayo kusuubirwa okuva eri buli memba, obwesimbu, obwelufu n'okukola n'amaanyi.

## Ebigobelerwa

(Ebigobelerwa bino by'ebilowoozebwa okukozesebwa ba memba nga batandikawo ekibiina kyaabwe ekya TRUST. Enkyukakyuka n'enongoseleza zisobola okukolebwa oluvanyuma lw'okukiriziganya kwa ba memba bonna.)

1. Ekibiina kilina okuba ne ssentebe, omuwanika, omuwandiisi (be bakungu b'ekibiina) ne bamemba abalala. Abakungu balina okulondebwa ku bukulembeze okumala ekisanja kya myezi mukaaga ekisobola okwongezebwaayo singa ba memba abasukka mu mukaaga bakiriza mu lukiiko lw'ekibiina. (Ekibiina kilina okubaamu abantu musanvu (7) n'okweyongerayo naye ekibiina tekirina kusukka bantu amakumi asatu (30). Mulowooze ku kugabanyamu abantu oba okutandika ekibiina ekipya singa wabawo ba memba abagala okweyungako.
2. Ba memba bonna balina okwewandisa n'omuwendo gwa ssente ogukiliziganyibwaako ekibiina. Zino ssente zilina okukozesebwa mu kugula ebitabo omunassibwa ebiwandiiko oba n'obutabo bwa ba memba. Buli memba ajjakufuna akatabo mw'anawandiika ssente ze ezitelekeddwa n'ebilala.
3. Ekibiina kilina kutuula buli wiiki oba buli luvanyuma lwa wiiki bbiri, kyonna kilina okukiriziganyizibwako ba memba, olw'okwezaamu amaanyi, n'okutendekebwa. Ebikiriziganyibwako n'ebiteeso byonna birina okuwandiikibwa n'okukumibwa omuwandiisi w'ekibiina.
4. Buli memba alina okutelekangayo omuwendo gw'ensimbi ezikiriziganyibwako ba memba bonna. Zino ensimbi zirina okuletebwa mu buli lutuula era ensimbi zino zirina okuwandiikibwa mu kitabo kya ba memba bonna awamu ne mu katabo ka memba azileese.
5. Akawunti ya banka elina okugulwawo okutelekako ensimbi ezo. Ssentebe n'omuwanika bokka bebalina okuddukanya akawunti eno. Balina okulaga omuwendo gw'ensimbi eziriko mu buli lukiiko.

6. Ssente ezitelekebwa bweziwera, ba memba basobola okwewola sente ezitasuka (…) mu myaka ebiri egisooka egy'ekibiina. (N'olw'ekyo ba memba basobola okulonda okwongeza ku ssente ezewolebwa.) Ba memba bajja kwetaaga okulaga ebyafaayo by'okutereka kwabwe okumala emyezi esatu emabega nga tebanasaba kwewola nsimbi.
7. Omulimu oguvaamu ensimbi, ng'alaga ennyingiza n'enfulumya (okujjako nga ensimbi ezewolebwa za kusasulira mulwadde wa waka oba akatyabaga akalala), byetagibwa nga omuntu tanasaba kwewola. Enteekateeka eno elina okukebelebwa, okuterezebwamu (bwekiba kyetagisa) era n'okukirizibwa omukungu mu kibiina wamu ne memba omu ow'ekibiina.
8. Okwewola kuno kulina okukirizibwa ba memba b'ekibiina mu lukiiko olwa wamu (ebitundu ataano ku kikumi ekya ba memba balina okukiriza okwewola kuno) era ba memba abasuka mu mukaaga balina okubaawo. (Singa wabaawo akatyabaga akatasobola kulinda lukiiko lwa bonna, abakungu babiri ab'ekibiina ne memba omu basobola okukiriza okwewola.)
9. Omuntu bw'aba takiriziddwa kwewola, asobola okuddamu okusaba okwewola oluvanyuma lw'omwezi gumu.
10. Okusuba okwewola bwekutakirizibwa olw'okuba ensimbi ntono mu kibiina, olukalala lw'abalinda lulina okuwandiikibwa nga bagobelera eyasooka okutuuka ku asembyeyo okusaba singa enteekateeka eyo eba ekirizidwa.
11. Okusaba okwewola bwekutakirizibwa olw'obutateekateeka bulungi, ba memba basobola okuyamba mu kuteekateeka obulungi.
12. Endagaano y'okwewola elina okusibwako ekyenkumu ky'omukungu w'ekibiina, n'eyewola (oba abewola) era walina okubawo abajulizi nga omukulu ku kyaalo oba omukungu yenna.
13. Ensasula ya ssente ezewoleddwa elina okulambulula ssente ezigenda okusasulwa n'obukwakulizo obulimu (kuno nga kw'osa ddi memba lw'alina okutandika okusasula.) Bino byonna birina okutegekebwa omuwandiise w'ekibiina wamu ne memba eyewola.
14. Ssente ezewoledwa zirina okugibwa ku akawunti y'ekibiina ne ziwebwa oyo azewoze. Omukungu wamu n'eyewoze basaako ebinkumu ebikakasa nti ddala ssente zigiddwayo era ne ziwebwa oyo eyewola.
15. Ssente ezikomezeddwawo zirina okutekebwa mu banka era ne ziwandiikibwa omukungu oba abakungu wamu n'oyo eyewola.
16. Amagoba ag'ekitundu 1% buli mwezi galina okusibwa ku ssente ezewoleddwa era ne gabalibwa buli mwezi ku ssente ezitanasasulwa mu mwezi ogwo era omugatte gwa ssente zonna ne gutwalibwa mu mwezi oguddako. Okusasula amangu kukendeeza ku magoba era okulwaawo okusasula kwongeza amagoba.
17. Okulemelerwa okusasula ebajja kikosa buli memba mu kibiina kubanga ssente ziba za ba memba. Okulemelerwa kubawo singa omuntu amala emyezi ebiri nga tasasula.

**18.** Abalemelerwa okusasula balina okusibwako obukwakulizo buno wamanga; obutawolwa okutuusa nga wayiseewo emyezi esatu oluvanyuma lw’okusasula era memba agibwako eddembe ly’okulonda. Singa omuntu amala emyezi egisuka mw’ena (4) ena nga tasasula ku ssente ze yewola kulw’omulimu oba akatyabaga, ssente zeyateleka okutuukira ddala kw’ezo ezimubanjibwa, ezisigalawo zimuweebwa oluvanyuma memba agobwa mu kibiina.

**19.** Omukulu ku kyalo oba omukungu alina okutegezebwa ku kubaawo kw’ekibiina. Bwewabaawo obutakaanya obutasobola kugonjolwa kibiina, olwonno omukulu kukyalo oba omukungu ayitibwa okukola omulimu gw’okutabaganya.

**20.** Amateeka galina okusalibwawo ekibiina nga kitandika.

**TRUST Savings and Loans Group** **Endagaano y'Okwewola**

Ekifo.............................. Ennamba ya Ssente Ezewoleddwa............................

Ennaku z'Omwezi................

Nze, ......................................... **newoze ssente** okuva mukibiina ky'obwegasi

ekya............................................... ku magoba ga …. % buli mwezi

era ssente ngenda zikozesa ku

……..........................................................................................................

Nja kusasula okusinzira ku bukwakulizo obumpeleddwa era ba memba b'ekibiina nja kubategezaanga byentuseeko.

Ekyenkumu.................................... Omuntu eyewoze (erinnya)....................................

Ekyenkumu.................................... Omuntu eyewoze (erinnya)......................................

Ekyenkumu.................................... Omukungu w'ekibiina (erinnya)..............................

Ekyenkumu.................................... Memba w'ekibiina (erinnya)....................................

Stampu n'Ekyenkumu ky'omukulu ku kyalo oba Omukungu:-

Ssente zino zasasulibwa ne ziggwaayo ku magoba ga …. % buli mwezi nga ennaku

z'omwezi ……………………..

Ennaku zo mwezi...................

Ekyenkumu (Eyewoze) ....................................................................

Ekyenkumu (Omukungu) ……………………..........................................

**TRUST Savings and Loans Group** **Entekateka yo kusasula**

Ennamba Eyewoleddwako ……………………………………..

Ssente ezifuniddwa (ennaku z'omwezi) ………………………….. Omuwendo ………………../=

Ssente za kusasulwa ku …………... /= buli mwezi okumala emyezi …..... ku magoba ga bintundu ....% buli mwezi okutandika nga………………………….. (ennaku z'omwezi)

Ekyenkumu (Eyewoze) ………………………………………………………………….

Ekyenkumu (Omukungu) …………………………………………………………………

| Ennaku z'omwezi ez'okusasulirako | Olunaku Ssente lwe zisasuddwa | Omuwendo gwa sente ezisasuddwa | Omukungu akutte ssente Ekyenkumu | Amagoba agafuniddwa omwezi guno ku 1% | Ssente ezitanasasulwa |
|---|---|---|---|---|---|
| | | | | | |
| | | | | | |
| | | | | | |
| | | | | | |
| | | | | | |
| | | | | | |
| | | | | | |
| | | | | | |
| | | | | | |

**Eky'okulabirako**

12,000 zewolebwa nga 1st May 2013 ku magoba ga 1% buli mwezi era zilina okusasulwa mu myezi mukaaga era omuwendo ogulina okusasulibwa guli 2,070 buli mwezi, omuwendo ogulina okusembayo okusasulibwa guli 2,074. Omugatte gwa ssente ezilina okusasulibwa guli 12,424.

| Om -wezi | Ennaku z'omwezi ssente lwezirina okusasulwa. | Ennaku z'omwezi ssente lwezisasuddwa | Omuwendo Ogusa -suddwa | Omukungu akutte ssente Ekyenkumu | Amagoba agafuniddwa omwezi guno ku 1% | Ssente ezitanasasulwa |
|---|---|---|---|---|---|---|
| 1 | 31/05/13 | - | 0 | | 120 | 12120 |
| 2 | 30/06/13 | 30/06/13 | 2070 | xxxxxxxxxx | 121 | 10171 |
| 3 | 31/07/13 | 31/07/13 | 1500 | xxxxxxxxxx | 102 | 8773 |
| 4 | 31/08/13 | 31/08/13 | 2070 | xxxxxxxxxx | 88 | 6791 |
| 5 | 30/09/13 | - | 0 | | 68 | 6859 |
| 6 | 31/10/13 | 31/10/13 | 2000 | xxxxxxxxxx | 69 | 4928 |

Kubanga waliwo ssente ezitanasasulibwa oba emiwendo egitawandiikibwa bulungi, oluvanyuma lw'emyezi omukaaga, 7,640 zokka zezasasulibwa era 4,928 zikyabangibwa nga kw'otadde n'amagoba.